# Abasomesa balagiddwa okusoma okusigala ku mutindo

Bya ISMAIL NSUBUGA

ABASOMESA baakubiriziddwa obutakoowa kusoma basobole okwezza obuggya n'okwongera ku kumanya kwabwe basobole okutuukagana n'omutindo gw'ensoma omupya.

Baabadde ku wooteeri ya Floral e Wakiso nga beekubamu ttooki ku nteekateeka ya 'Levelled Learning' eyaleetebwa aba Save The Children okuyamba abayizi naddala mu masomero ag'omu byalo n'okufuna engeri gye basobola okuyamba abayizi abaakosebwa ennyo omuggalo gwa Covid-19 nga bazibuwalirwa okujjukira obulungi ebibasomesebwa mu bibiina.

Kino kye kyawalirizza ab'ekitongole ky'obwannakyewa eky'abaana ekya Save The Children okuleeta enkola eya Levelled Learning ng'omusomesa ayamba abaana okuyiga naddala ku mutendera ogwa pulayimale okusinziira ku busobozi bwabwe kinnoomu.

Mu nsisinkano eno, abasomesa baagambye nti enteekateeka eno yatandikira mu masomero agali mu masoso g'ebyalo abaana gye baakosebwa ennyo era oluvannyuma lw'emyaka etaano, enkyukakyuka erabwako nga bangi abasobodde okuyitira mu ddaala erisooka.

ISMAIL NSUBUGA




Omu ku baakubirizza ng'alaga abasomesa bye balina okukola.

Omu ku basomesa abettanidde enkola eno Nakayiwa Alice Norah alambuludde ku ngeri gy'ekolamu n'obwetaavu obuliwo okwongera okugibunyisa mu masomero ag'enjawulo mu ggwanga lyonna okutwaliza awamu.

Kati aba Save The Children baasisinkanye abasomesa n'abayizi abaganyuddwa mu nteekateeka eno okuva mu magombolola eg'enjawulo agakola Wakiso okuli Masuuliita, Gombe, Kakiri n'awalala okwekubamu ttooki ku ngeri Levelled Learning gyekolamu.